KAMPALA BAPTIST CHURCH.

Okuyigirizibwa Baibuli mu wiiki eggwaako nga 5 September 2020.

OMULAMWA: Lukka 14:25-32: Lowooza ku muwendo gw'ebyo by'osalawo era otegeke bulungi obulamu bwo.

Bbalaza: Lukka 14:25-32: Biki ebyaleteera Yesu okubuliira olugeero mu lunnyiriri lwa 28-32? Nsonga ki Yesu gyeyawa? Ennono eno ekwataagana etya nokutegeka?

Lwakubiri: Engero 6:6-11: Buzibu ki obuli mu ngeri omugayaavu gy'atambuzaamu obulamu bwe? Enswa etuyigirizaaki ku kutegeka?

Lwakusatu: Omubuulizi 3:1, Yeremiya 5:24. Omubuulizi 3:1 atubuulira ki ku bulamu? Ani asalawo embeera y'obudde? Gerageranya ne Engero 20:4.

Lwakuuna: Engero 13:4, 21:25-26, 26:14-16: Enyiriri zino zitubuulira ki ku munafu? Okozesa bulungi ebiseera byo n'obusobozi bwo?

Lwakutaano: Engero 15:19, 19:15, 21: 25: Kiki ekibeera ku munafu?

Lwamukaaga: Engero 19:21,21:5: Olunyiriri luno lutuyigirizaaki ku ntegeka zaffe? Kikyusa kitya engeri gye tutegekamu?

Ssande: 1 Timooseewo 5:8: Kiki ekituuka ku bujulirwa bw'omukkiriza bwagaana okukola n'okutegekera obulamu bwe?